**13th September 2015.**

# YESU KRISTO YE MUZABBIIBU GWENNYINI.

**Yokaana 15:1 – 17.**

Nga basituse ku mmeeza, nga Yesu bwe twaaleka agamba abayigirizwa be mu kiro ky'okukwaatibwa kwe, nkiwa beeteekateeka ggenda mu lusuku, Yesu yeyongera okubeeyoleseza mu ngeri ebagumya emitima, we yabagamba nti Ye yali Omuzabbiibu Ogw'amazima, nga 'Nze Ndi' ey'omulundi ogw'omusanvu mu njiri ya Yokaana era esembayo mu kw'olesebwa kwe gyebali nga 'Nze Ndi'.
Era nga bwe twaalaba omulundi ogwaggwa, kaakano yali awumbawumba okubuulirira kwe eri minywaanyi gye abayigirizwa be mu ngeri y'okukalaatirira ebikulu byonna bye yandibalekedde okumutegeerako era okutegeera obuvunaanyizibwa bwabwe. Mwe tulabira addiŋŋana emilamwa gy'okukkiriza, okwagala, obuwulize, n'obubeezi obunyweevu, byenzikiriza nti Omwoyo wa Mukama atubuulirira bulungi mu byo.
*[Tusome]*.

Ekyimuyisa Omuzabbiibu Ogw'amazima kwe kugamba nti waaliwo ogutaali gwa mazima nga ye yali Isiraeri. Mu ndagaano enkadde Isiraeri yamanyibwa ng'omuzabbiibu gwa Mukama; Zabb.80:8, Isa 5:1-7, Yer 2:21,*(Soma)*, ekyavaamu Koseya 10:1*(Soma)*.
Kaakano olw'ekigendererwa ky'okubalekera okumanya kabekasinge n'okutegeera nti mu Yesu Kristo mwe mwaali obulokole obubaza ebibala eby'obutuukirivu eri Mukama, kwe kubagamba nti Ye yali Omuzabbiibu Ogw'amazima.
Yeyongera okubategeeza nga Kitaawe era Kitaffe bwaali Omulimi, asimba era n'alabirira Omuzabbiibu n'ekigendererwa ky'okugufunako ebibala.
Abayigirizwa be awamu naffe tuli matabi ku muzabbiibu, agalabirirwa nga bwe kigwaanidde.
Nga bwe tulaba ebibala bwe byogerwaako emirundi egikunukkiriza mu kkumi mu nnyiriri zino, bukakafu nti kyaali kikulu nnyo eri Kitaffe Mukama Katonda, Omulimi okuba nti afuna ebibala okuva ku Muzabbiibu gwe. Okubaza ebibala gwe mulamwa gw'Omuzabbiibu.

Ebibala y'enneyisa y'obukristaayo obutuufu eleetwa embala y'Omwoyo wa Kristo nga Abaggalattiya 5:22,23 bwe zigamba…. Ate Bakkol.1:10 lugamba…..

Amatabi ge gabala ebibala, bwe gaba nga malamu, olw'okuba amanyweevu ku muzabbiibu.
Ng'amatabi, g'omuzabbiibu tuli mu Kristo ssi kubanga tumukwaatiridde, wabula nti atukwaatiridde.
Nate nga Dr. Oswald Sanders bweyagambanga, "Buli omu ku ffe ali kumpi ne Mukama nga bwasalawo yye kkennyini okuba." [lnny.9,10]
Ebikole(products) byawukanyizibwa n'ebibala(fruit)….(Bagg. 5:19)
Okwawukanyizibwa n'ebikole, ebibala olw'ensigo ezibibaamu biba byalubeerera, kubanga byebazaamu. Naye ebikole bitokomoka butokomosi gye byeyongera okkozesebwa…….

Okwagala kw'omukristaayo ssi ye nneewulira y'omutima oba emmeeme, wabula ekikolwa ky'okusalawo okugondera okulagirwa kwa Mukama mu kwagala.
Tulaba nga Yesu akiddiŋŋana ng'etteeka eri abayigirizwa era ne gyetuli….

Mu kwongera okugumya emitima gy'abayigirizwa n'egyaffe ffena na kaakano, tulaba Yesu atuwa entabagana ey'enkalakkalira esinziira ku kubeera kwe mu ffe mu mbala y'Omwoyo Omutukuvu ekakasibwa okubaza kw'ebibala ebigyoolesa okuba eyannamaddala.